# ASANZE MUKYALA WE N'OMUSIGUZE N'AMUFUMITA EBISO

OMUVUBUKA avudde mu mbeera, n'atema mukazi we ebiso ebimusse n'omusajja gw'abadde ateeteera naye, n'amutemako engalo bbiri. Bibadde ku kyalo Lusengejjo mu Kyankwanzi, Fesito Nkurunziza 25, y'agambibwa okutema mukyala we, Anonia Nyirahabimaana (40) ebiso ku mutwe n'afiira mu ddwaaliro.

Bombi nzaalwa y'e Rwanda era nga babadde bakola gya lejjalejja. Kigambibwa nti Nkurunziza, yafunye mawulire, nga mukazi we bwe yabadde apepeya n'omusajja omulala. Omwogezi wa poliisi mu Wamala, Lamerk Kigozi, agambye nti omukyala, bamuddusizza mu ddwaaliro gye yafiiridde, Nkurunziza ne bamukwata.